Okwanukula eri obubaka obw'obukyaayi Mwami Mirundi bwazze nga ayisa mu mikutu gy'amawulire egy'enjawulo.

Munnange, ntambuza obubaka buno nga nnyanukula okujoogebwa okuzzenga kutambulira ku mikutu emigattabantu egimu ne Radio za FM ezimu n'abaweereza muzo abamu ne bakuwa omwagaanya okugenda ewala. Radio ezimu ku zino nsobola okumenya Impact ne Pearl Fm n'emikutu gya YouTube egitalina miramwa. Newankubadde ng'asobola okwemulugunya eri omukutu gwa YouTube ogw'abazungu ogutalina kalungi konna ke gutwagaliza ng'oggyeeko okwagala okulya obwongo bw'abavubuka abasinga, ndaba nga kikola amakulu ne nneeyogerera eri bannayuganda bannange ne bannyinaze ssaako baganda bange ab'oku Ssemazinga ono be nkola nabo ng'era nabo okulimbibwalimbibwa kuno bazzenga bakuwulira bambi ne bagenda mu maaso n'okumpeereza obubaka wakati mu bweraliikirivu eri obulabe obuyinza okuntuukako olw'amaloboozi gano amagingirire nze ng'omuntu, ab'enganda zange n'emirimu gyange. Nsaba nneeyambise omukisa guno, nneerwaneko mu bulungi sso ssi ng'abamu bwe babadde bangamba, wabula nsomese era nfune engeri esaanidde gyennyinza okuyitamu nneme kuddamu nate kulabwa bubi bantu abo abansiiga enziro eno. Ekisinga obukulu njagala mpulirwe mmwe abawuliriza mbakakase nti amaloboozi gano amagingirire agansibwako n'obubaka obw'ekigwenyufu bwegafulumya bulimba bwennyini era ssetaani omusa.

Ekigambo 'Mulungamya' mu Lungereza kigeraageranyizibwa n'omulimu ogukolebwa Transformer y'amasannyalaze, mu kugera amasannyalaze ag'ekigero agaba geetaagisa. Omulimu gwayo kussa wansi masannyalaze agabeera gaze mu bungi n'egassa ku bipimo ebibeera byetaagisibwa omulimu gwe gabeera gateekeddwa okukola. Ekyo bwekiba kitegeereddwa bulungi, kiyamba nnyo mmwe abalungamya ba program n'abaleesi b'amawulire okutegeera obulungi omulimu gwammwe mu by'empuliziganya. Kino era kiyambako okubalaga gyemukomye n'okuvvoola amateeka g'omulimu gwammwe n'empisa z'abalungamya ba program okwo ssaako engeri gyemusudde wali ebintu ebyalibaddenga bisoosowazibwa mu kuleetanga n'okukungaanya amawulire omuli amazima n'embeera eri abawuliriza bammwe mu programe zammwe ezisinga, mulinga abagenda ku mpewo n'ebiruubirirwa ebirumya sso ssi ebizimba.

Ebintu ebikulu bisatu buli agenda ku mpewo byasaanidde okukuumanga, eri abo abalina omukisa ogugigendako kubanga ssi bonna. Okukuuma ekintu kwe kkukiwa amakulu n'obulamu ate n'okukitambulirako okumala ekiseera kisobole okukukyusa ggwe ng'omuntu oba ekitongole. Amateeka gano oba emitendera gino bangi temugitwala nga nsonga era ssinga tebadde mbeera nze muli gyempulira weewaawo mmwe gyemutamanyi ,era gyemutawulira,eky'amazima,naalibalemeddeko okuyita mu mitendera gyonna. Nnaalibasabye okundiyirira olw'ebivve byemunsibyeko mu bugenderevu n'ebiroboozi roboozi ebijingirire mbu byange ate ne mubireka biyite ku mpewo za Radio zammwe.

Amateeka agoogerwako ge gano, nga musobola n'okugeeyambisa mu kulungamya abasasi b'amawulire gammwe n'abalungamya ba program, kibayambe okukolanga ebisaanira.

Erisookera ddala omuzungu lyayita 'Attribution'
Omuntu ali ku mpewo bwabaako kyayogera ku mulala atali ku mpewo, Omulungamya wa program kimukakatako okuyamba abawulirizaabe okwawula ekituufu ku kitali kituufu ng'ayita mu kubuuza oyo abeera akyogedde mu ngeri esinga okubeera entuufu era etaliiko ludda. Lwaki kino akikola, obubaka obw'engeri eno mmere eri obwongo ng'abawuliriza basobolera ddala okuwaba nga beesigamye ku kye babeera bawulirizza, kino kiyitibwa 'Issue framing'' mu by'empuliziganya, ekimanyiddwa nga 'Okukikinika'' nga ssinga ekyogerwa kiba tekikakasibwa, kiba tekisaana kuwulirwa mu bantu. Kino kiba kiteekeddwa kuggyibwa mu bantu n'okwetonderwa omuntu oyo yeetonderwe mu bwangu ennyo awatali na kulinda kalango k'eggyako byogeddwa. Kiteekeddwa kweggyako mu bwangu olw'abeera akyogedde obutaba na mazima ku kyayogedde.Ne weewuunya empewo bweyinza okuzannya eddoboozi ejjingirire erigambibwa okuba eryange ate n'essikubirwa na ssimu kubuuzibwa oba nga ddala eddoboozi eryo lyange, kizibu kya kuttottola.

Kano kabeera kabonero ka butabeera na buvunanyizibwa omuntu okulungamya oba okukubiriza ey'engeri ng'eno atenga kigubya n'erinnya oba ettutumu lya Radio eyo. Abamu balowooza nti enkola eno kubeera kwegazanyiriza mu ddembe lya bannamawuulire nga bweriwulirwa mu ggwanga lyaffe, ne beenyumiririza mu bungi bwa Radio eziri mu ggwanga gyoli obungi bwazo busobola okudda mu bigere by'omugaso gwazo n'omutindo, bino bya njawulo ddala. Kino nze nkirabira ddala ng'ensobi etagenda kukomezebwa mangu ssinga bannansi ensonga eno tebagigonjoola mangu nga tennasimba wano makanda. Obuteebuuza nnyo ku maloboozi ag'engeri eyo agajingiriddwa okwefaananyiriza enjatula y'ebigambo mu nnimi ezimu egendereddwa okugootaanya endowooza z'abantu, okwawulayawula mu bantu, n'okukyayisa amawanga agamu, oba togubizza ba Ssaalumanya bokka wabula obeera olemereddwa okutuukiriza obuvunanyizibwa bwo obw'obulungamya n'amazima mu buweereza eri abantu b'amawanga agamu. Obutafaayo bwo ku kiki ekituufu kye waalibadde okola ng'omuweereza wa Radio n'oleka abantu okwongera okusaasaanya obulimba, obeera eggwanga eryo erisiigiddwa enziro olirese mu buzibu. Bwennawuliriza amaloboozi ago amajingirire ne nzijukira nti kituufu ddala ebyafaayo byaffe wano tebyesigamizikako bannansi kuyiga.

Nkutte akatambi k'eddoboozi mungeri emu oba endala ku lunaku olumu ku nkulu wano mu byafaayo. Ogw'omukaaga ng'ennaku z'omwezi 15th omwaka 1891, omuzungu Capt. Fredrick Lugard eyali anoonya eby'obugagga eby'omu ttaka okuli Gold, Diamond, amasanga n'okufuga ettundutundu eryo olw'ebiruubirirwa bya bakamaabe aba Imperial British East African Company yasala Kazinga Channel akataka akali wakati w'ennyanja Mwitanzigye (Albert) n'emanyiddwa nga George abalala gye bayita Masyoro oba Rweeru. Ono yalina basajjabe abaamukwasizangako okuzinda ebyalo abaali eyo mu bikumi 200 omwalia Abasudan, Abazanzibar n'abamu abataka mu kitundu abaamulaganga amakubo. Ono yatuukiriza bulungi ekiruubirirwakye n'awamba eggye ly'Omukama Kabalega owa Bunyoro n'afuga Kazinga Channel n'ebirombe by'omunnyo ebiri mu kitundu ekimanyiddwa nga Katwe abasuubuzi abaatambulanga engendo empanvu gyebaasibiranga.

Emyezi mitono nga kino tekinnabaawo, abamu ku bakulembeze mu Bwakabaka bwa Buganda baali balabye ku Lugard mu Kampala, n'ayitako mu Buddu, n'afuna omu ku balangira ba Toro amanyiddwa nga Kasagama gweyali ategese okweyambisa mu kunafuya Kabalega ate n'ayanirizibwa ne mu Ankole gyeyakkiriza n'okutta omukago. Mu kiseera ekitaawera na mwaka omugwira Lugard ataalina kyamanyi n'akatono ku bya wano, ekitongolekye ne Britain byali bimalirizza okukwasibwa kyenkana Uganda yonna ng'ayita mu lukujjukujju lweyalina, yagenda agaziwa mpola mpola nga yeeyambisa obutakkanya bwaffe. Nga wayise emyaka ebiri Kabalega yagezaako okwagala okusindiikiriza abawambi abaali bamuzinze ne bamufunza wabula olw'obutakwatagana bulungi na bakulembeze banne n'enkolaye etaali nnambulukufu bulungi yalemererwa. Mwanawattu baali tebasobola kuzza ku mabbali butakkanya bwabwe ne bakunga abantu baabwe bonna balabe nga basindiikiriza eyalki agenda abazinda okuva ebunaayira. Abasinga ku bakulembeze bano bakkanya mangu n'omugwira eyali abazinze nga baagala okumwekwatako banyigirize baliraanwa baabwe bwe baali basangiddwa n'okwerumaaluma, mwattu ne batalengerera wala kufiirizibwa Kunene okwali kuboolekedde.

Okugeza Kabalega bweyeerwanako ne yeddiza Toro mu 1893 n'atuuka ne ku mugga Nile, n'ayita ne mu Busoga ku luuyi lw'Obuvanjuba amale azingirize abazinzi mu makkati g'amaserengeta g'eggwanga, mpaawo yavaayo kumukwasizaako era tewaali yagezaako kusindiikiriza Col Colville omukulu gweyali atumye okuva e Sudan ne Zanzibar. Kyannaku nnyo nti Kabalega oluvannyuma lw'okugezaako okusindiikiriza Lugard wabula ng'ali yekka mpaawo amukwasizaako olw'okumulaba ng'omulabe, obuwanguzi bweyali yeetaaga teyabutuusa.

Nga 2nd omwezi ogw'okusatu omwaka 1895, amagye ge bwegeesusunkulamu ne gaagala okusinza abalumbi amanyi n'obukodyo ku Kazinga Kajumbera ku nnyanja Kyoga oba ku mugga Kafu (Nkyebuuza ku bakulu mu Bunyoro bankakase ekifo ekituufu) Kabaleega yasuula mu mazzi obwato bubiri ku bwato obutaano obwali busaabaza abalwanyi ba Lugard okwali Mwami Dunning, Mwami Cunningham, Mwami Vandeleur ne Mwami Ashburnham. Baalina abalwanyi kyenkana enkumi 2000 omwali Abaganda, abasudan, abazanzibar n'abayindi abaalinga batunuzza emidumu gy'emmundu eruuyi lwa Kabalega era abaalumya basajjabe okukamala. Abakulu okuli Dunning ne munne Cunningham baalumizibwa byansusso era ebiwundu bye baafunira mu kulwanagana okwali ne bibatta era Kabalega n'asindiikirizaako katono Omweru Lugard, kino tekyalabwa nga nsonga era ba Jjajjaffe tebaafaayo kukwataganira wamu kusindiikiriza muntu oyo, baasigala mu kwerumaaluma kwabwe nga bwewali luli.

Kyewunyisa nnyo nti abantu bano bonna abaalemererwa okwekwatira awamu babeeko kyebatuukako ng'ab'oluganda ensibuko yaabwe yeemu, baava mu kwabulukukamu kwa bwakabaka bwa Bacwezi mu 1500 kale ebyali bibaawula nga bitono nnyo. Obumu bwaffe bwali bunywevu nnyo nga n'okulumbwa kw aba Luo abaava mu nsozi z'Ebunubbi ne Sudan n'okwabulukukamu kw'obwakaba bwa Bacwezi, aba Luo-aba Bito baali tebalina bwe baggyawo mbeera gye baasangawo era mwe baatambulira okusobola okufuna ettutumu.

Kale leero bwendaba abasomyeko nga tebajjukira bulungi nneewuunya kubanga emyaka 130 egiyise Lugard weyakolera bino migigi etaano butaano gyokka naye abantu bwe baba nga baseesa mu njawukana muffe nga beeyambisa amaloboozi amajingirire ate nammwe ne mugawa omwaganya ne gabamga agalaga empisa z'abantu, embeera zaabwe n'ebokolwa number muko ne njagala okubajjukiza okuyigira ku byafaayo. Ka bibabeerere abasomesa, tolwanyisa mugandawo kubanga bwokikola obeera owaako balabebo mwaganya. Tebannakyusa empisa zaabwe wabula beefuula bwefuuzi batufaanana Eno nga bwenanyumirwa okutuzannyirako. Ekyokulabirako amawanga g'abeeru mango tegayinza kusanyukira kuseseetuka lwa Uganda waffe omukago gw'amawanga g'Obuvanjuba bwayise Ssemazinga ono kubanga kino kibeera Kya kubawa manyi n'eddoboozi ery'awamu.

Kale mu mbeera ezo mu ngeri zonna ze basinziirako okutukuumira mu kwerumaaluma okutaggwa ate ne mu bintu ebitumbula empisa m'emizeezeze gyabwe ebitalina webituweera myaganya gikubaganya birowoozo ku bituzimba. Bingi ebinyigiriza bannalukalu lino tebabiweera ddala mikisa gibyogerako ka babeere bakulembeze be baaliyagadde okubakulembera. Mu bulamu bwange nzizenga nneewala okuyingira mu ntalo n'abantu kubanga nnyingi tezirina mirandira ate zennyamiza. O muntu asaanidde abbinkane n'omulala balance oba balemagane mu ndowooza so ssi kusinziira ku wa gyasibuka ob'emmere gyaba yalidde nga bwentera okuyigira mu program nammwe ezisinga.

Okugeza mu 2015, bwenagezaako okwesimbawo, abamu kubakulembeze mu kibiina kya NRM banzijaako eddembe lyange okwetaba mukalulu nga bekwasa ediini neggwanga nga jooli ffe twesalirawo wa gyetulina okuzalibwa oba gyozaliddwa kitegeza nti totegera oba otegera bulungi mubwongo, kyova olaba nagana okuteeka mumboozi ezekika nga ekyo. Kino nakikola kubanga manyi bulungi kyetwetaga okugata eggwanga lyaffe.

Njize bingi okuva mubyafaayo omuli okusonyiwa okukola ennyo mubifo byonna katonda byaba antaddemu. Ngamaliriza ensonga eno njagala awuliriza yefumitireze kubigambo bino singa Kabalega yali awangudde ebikolobero byonna ebyabazungu nga nabakulembeze benoono bonna bazze ku ludda lwe awatali njawukana zonna , olowooza enteekateeka yokugata ensi yaffe yandibadde etya? Tetusobola kubyogera byonna mubutufu bwabyo wabula tusobola okubyogerako okubitegera. China yali nafu nnyo mubyamaggye ne tekinologiya wabula yasalawo okugata enoono zaayo zonna nabantu era kino kyekibayambye okuberawo kati emyaka 100 newankubadde abazugu bagezaako okuyingirira okutusa lweyerwanako nga October 1949. Newankubadde ntegeera bulungi amawulire wamu nebikolwa byabazungu, ebyekwesanyusa namateeka bikyali bito nnto ate bikola kyamanyi nnyo okukyusa embeera zabantu, bannamawulire nabakubiriza pulogulamu zebyobufuuzi tebalina kyakwekwasa wabula bakole ekisoboka okulanga eggwanga lyaffe likkula, linywevu. Abamu kubannaffe mumawulire bava gyebavudde nebayingira butereevu amawulire kyova olaba tebafaayo kuyiga era yensonga lwaki bakiriza abantu abalina obutambi obwobulimba okubuteeka kumpewo. Tusanidde okukomya okulowolereza okumpi tusobole okuyimirira kuwlobulungi bwensi yaffe. Nga bannamawulire, musanyenga okunonya amazima so si bulimba bwankukunala. Obwenyamivu bwange buli nnyo kumpereeza eyebitege gyemuweerezamu nemwoonoona nebyobufuuzi ebirungi eggwanga lyaffe lyebyetaga, mukutumbula nnyo amwulire amakyamu nga tukola okusalawo wamu nokulemesa okulakulanya ebitundu byaffe. Okuzimba gyetaga abantu okukolera awamu nga nolwekyo emikutu gyamawulire giri kumwanjo okukola kino.

Ensonga eyokubiri bannamawulire gyebabusa amaaso bwebutaba nakyekubira.
Buli muntu yenna alina kyekubira mubyakola nga basinziira kuwa gyebakulira nakiki ekifuga endowooza zabwe. Kyova olaba tulina abantu abeerogoza nga bamabdde engoye ezabulijjo kyokka endowooza nebikolwa byabwe bibi nyo era tebikulakulanya.Ennaku zino tubeera musi etambulira kumisinde egyawaggulu mukufuna amawulire nga agasinga zibeera ngambo ezisigiddwa akazigo era zinyumirwa okuwulirwa mumatu gabantu. Gwe nga munnamawulire nomukubiriza wa pulogulaamu, kiakkato okusunsulamu amawulire gano nga tonagatuusa kubawuliriza bo era enkola eri nti eggulire olina okulyekebejja emirundi etaano nga tonalisa ku mpewo bantu kuliwuliriza.Lwaki olina okukikola, kubanga obwenkanya namazima byebitambulirako amazima nokukola ennyo kyova olaba bino tebikolwa munnamawulire munafu oba omukubiriza.Bwoba okola emboozi yonna olina okussa kubbali enjawukana zolina, endowooza yo kazibeere ezo ezabantu bokyazizza kubanga tezikugasa, ekigasa bwebutaba nakyekubira nokuba namazima.

Ebiseera ebimu abamu kubadukanya radios bamazimamu, bwenabakubira essimu oluvanyuma lwokuwulira akatambi kano, bweyambulira nti bakyaza Mirundi kumpewo mumbeera eyo eyokuvoola nokuvuma kubanga mukiseera kino alina abamuwuliramu bangi. Newuunyamu naye sinyo okumanya nti mu leediyo zino mubabagenderevu tebafayo kumazima nobutufu bwensonga ekiviriddeko bannauganda bangi okuwubisibwa nebagenda nekimanyifu. Amaka oba ebitongole bwebiba bitambulira kukiki ekimanyiddwa ate nga tekirina nnyo mazima, kiba kyolekedde okuvaamu ebitali birungi, nolweekyo bwebeera ekintu akigazisiza awamu nga radio, kikwetagisa okujaayo ekifananyi kyoluzzi mubutufu bwakyo.

Gyebuvuddeko nali ntambula mukitundu ekimu ekyeggwanga, nasanga oluzzi olumu lwenali ndowooza nti lwazimbibwa bulungi okukozesebwa abatuuze, kyokka nggenda okusanga oludda olumu beyambira yo kyokka ate olulala abantu basanyufu basena mazzi agokukozesa awaka, abalala bolezaamu pikipiki, nemmotoka ezirina oyiro wamu nengoye. Amazzi agekika nga kino gaba gabulabe nnyo eri abatuuze kubanga endwadde ziba zakubakwata. Mumbeera eyo omukutu gwamawulire gwonna okugufulumya amawulire agatali matuufu, nagobulimba gasobola okukosa ekitundu kyonna. Radio Mill Collines e Rwanda mu 1992 yali kyakulabirako singa abamawulire bagezaako okusuka webalina okukoma.

Ensonga eyokusatu ebusibwa amaaso, Obwesimbu, buli lwokiriza okuteeka kumpewo ebintu ebyobulimba, ebijudde obukyayi , ebufubitizi nobutagaliza gwe nga munamawulire nakubiriza pulogulamu eyo obeera musaale mukutematemamu ebitundu nabantu newankubadde ebivaamu oyinza obutabirabirawo naye obeera oyonoona enkolagana yabantu kko nokukosa eggwanga lyaffe gyebujja.
Ku mikutu gyebyempuliziganya egimu obutambi buno gyebubadde buyitira, banyini bajo nkolaganye nabo ebbanga ddene era nga mbawa ekitiibwa. Emikutu gino nzize njiberako era edoboozi lyange limanyiddwa, nolwekyo okukkiriza obutambi nga buno obupatike, obeera oyonoona enkolagana yaffe nokuleetawo embeera eyokuwawabirwa mu kkooti mutekebweko envumbo.

Obutali bwesimbu kokoolo wamanyi,kubanga cancer buwuka obwetaga ekifo webuwumulira nebuleetawo enkolagana erabika.Nolwekyo singa okyaza ku radio omuntu omulimba,amukyazizza nekwakyadde bonna babeera balimba embeera zonna era nabob asana okuvunanibwa.

Omulundi omulala bwenafuna omukisa ,njakowongera okutangaza kunsonga lwaki abamu kubalimba bemukyaza ku mikutu gyamwe basirikiriza okukonjera abalala olwobutamanya bwabantu.mukiseera kino nsubira mukyasobola okutereza ensobi zammwe zimukol era mwetondere bemusobeza mulujjudde obulamu butambule.

Mwebale nnyo.



Odrek Rwabwogo
Leadership Training Series